



زندہ بیڈی کنویں میں پھینک دی (Luganda)

Omwaana omuwala

eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu



Shaykh-e-Tariqat Amiir-e-Ahl-e-Sunnat ng'ono ye
mutandisi wa Dawat-e-Islami Allamah Maulana Abu Bila

Muhammad Ilyas
Attar Qadiri Razavi

فائدۃ الرحمۃ
الرضا



الْحَمْدُ لِلّٰهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلٰى سَيِّدِ النُّبُوَّاتِ
أَتَابَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللّٰهِ مِنَ الشَّيْطَنِ الرَّجِيمِ ۝ بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيمِ

E Duwa Y'okusoma Ekitabo

Soma e Duwa eno nga tonnatandika kusoma kitabo kyonna eky'eddiini oba omusomo gwonna ogw'eddiini. Kino kijja kukusobozesa okujjukira byonna byosomye: **إِنْ شَاءَ اللّٰهُ عَزَّ وَجَلَّ**

اللّٰهُمَّ افْتَحْ عَلَيْنَا حِكْمَتَكَ وَانْشُرْ
عَلَيْنَا رَحْمَتَكَ يَا ذَا الْجَلَالِ وَالْاِكْرَامِ

Okuvvuunula

Ayi Allah عَزَّ وَجَلَّ owekitiibwa, Tuggulirewo olujji l>wokumanya n'okutegeera, era obe n'ekisa wamu nokusaasira gyetuli. Mazimaddala Gwe asinga ekitiibwa, era wasukkulum. (Al-Mustaṭraf, vol. 1, pp. 40)

Note: Saalira Nabi ﷺ nga tonnasoma Duwa eyo, n'era nga ojimalirizza.

زندہ بیٹھی گنوں میں پھینک دی

Zindah Bayti Kunwein mayn Phaynk di

Omwaana omuwala

Eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu

Ekitabo kino kyawandiikibwa mu lulimi olu Urdu Shaykh-e-Tariqat Amiir-e-Ahl-e-Sunnat, ng'ono ye mutandisi wa Dawat-e-Islami Allamah Maulana Abu Bila Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi. Olukiiko oluvunaanyizibwa ku mulimu gwokuvvuunula nalwo lusazeewo okukivvuunula mu lulimi oluganda. Bw'osangamu ensobi yonna mukuvvunula, tegeeza olukiiko kundagiriro eno wammanga n'ekigendererwa ekyokufuna empeera. [Sawaab]

Majlis-e-Tarajim (Dawat-e-Islami)

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagran,
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

UAN: ☎ +92-21-111-25-26-92 – Ext. 7213

Email: 📩 translation@dawateislami.net

'Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu'

Enzivunnula mu lulimi Oluganda ey'ekitabo 'Zindah Bayti Kunwein
mayn Phaynk di'

*Bino wammanga birekeddwa mu lulimi olungereza



ALL RIGHTS RESERVED

Copyright © 2016 Maktaba-tul-Madinah

No part of this publication may be reproduced, or transmitted, in any form or by any means, electronic, mechanical, photocopying, recording or otherwise, without the prior written permission of Maktaba-tul-Madinah.

1st Publication: Zul-Qa'da-til-Harâm, 1438 AH – (Nov, 2016)

Publisher: Maktaba-tul-Madinah

Quantity: 3000

ISBN: 978-969-631-570-4

SPONSORSHIP

Feel free to contact us if you wish to sponsor the printing of a religious book or booklet for the Isal-e-Sawab of your deceased family members.

Maktaba-tul-Madinah

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah Mahallah Saudagran,
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

✉ **Email:** maktabaglobal@dawateislami.net – maktaba@dawateislami.net

⌚ **Phone:** +92-21-34921389-93 – 34126999

💻 **Web:** www.dawateislami.net



Tip1:Click on any heading, it will send you to the required page.

Tip2:at inner pages, Click on the Name of the book to get back(here) to contents.

Table of Contents

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu.....	1
Obulungi bwa Salat-'Alan-Nabī ﷺ.....	1
1. Omwaana omuwala eyasuulibbwā mu luzzi nga mulamu	1
2. Tttata! Oli mu kunzita?	2
3. Abawala munaana baazikibwa nga balamu!	3
Ebyafaayo bitaano ebitiisa.....	4
Omwaana omuwala yafumbibwa mu 'pressure-cooker' nga mulamu!	5
Allah عَزَّوجَلَّ bwaba ayagala ayinza okuwa omuntu omwaana omuleenzi oba omuwala oba natabeera na mwaana.....	6
Omuwendo gw'abaana ba baNabbi abamu عَنْيِمُ اللَّهَمَّ	7
Ebigambo munaana ebya Mustafa ﷺ ebikwaata ku bulungi bw'abaana abawala.....	9
Empeta yaweebwa omuzzukulu.....	12
Omuzzukulu omuwala ng'ali ku kibegabega eky'emikisa ekya jajja we ku lulyo lwa mmaama	13
Okunnyonnyola ku kitundu kya Salah mu Hadis eyo	13
Amakulu ga 'Amal-e-Kasir	14
Ameteeka g'okusaala Salah n'omwaana ng'ali ku kisaambi	14
Okwewaayo kwa mmaama mwaavu eri bawala be.....	15
Empeera y'okwewaayo	15
Obulungi bw'okuwa ekintu kyonna nga bawala b'osoosa.....	15
Okulamula okw'amakulu ennyo okukwaata ku ka T.V k'olubuto (ultrasound)	16

Ekyafaayo ekinakuwaza ekikwata ku kusasika kwa famire olw'ekusoma okufu okwa ultrasound	17
Okuzaala kw'omwaana omuwala newankubadde kyali kiraga muleenzi	18
Newankubadde repoota bbiri ezaali ziraga nti mwaana muwala, omuleenzi ye yazaalibwa	18
Okuzaalibwa kw'omwaana omuleenzi owa Madani	20
Obutatuukiriza bwaagazi nakyo kirabo	21
Ebimuli bya Madani kkumi na bisatu ebikwaata ku Ta'wizat.....	22
Envummula nnya ez'omwooyo ez'obugumba.....	25
Envummula ttaano ez'omwooyo ez'okuzaala okwaangu	31
Obujjanjabi obw'awaka olw'oluzaala olwaangu	32
Four spiritual cures for miscarriage	33
Envummula bbiri ez'omwooyo ez'okujjanjaba okuziimba kw'amabeere	34
Envummula nnya ez'omwooyo ezikwaata ku nsoonga z'abakyaala (ez'okukoona akagere).....	35
Envummula mukaaga ez'omwooyo ez'okuwonya obutono bw'amata ga mmaama.....	36
Omwaan ajja kutandika okuyoonka.....	38
Okujja omwaana ku mabeere	38
Okulamula okw'omugasoo ennyo okukwaata ku kuyonsa	38
Envummula ey'omwooyo eri omwaana atawuliriza	38
Envummula eyomwooyo eri oyo atagoberera Shari'ah	39
Bba ajja kufuuka mulongoofu	39

الْحَمْدُ لِلّٰهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلٰوةُ وَالسَّلَامُ عَلٰى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ
 أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللّٰهِ مِنَ الشَّيْطٰنِ الرَّجِيمِ ۝ بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيمِ ۝

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu

Ne wankubadde Shaytan ekuteeka mu obugayaavu, ggwe soma akatabo kano konna mu bujjuvu. Ojja kufuna okwagala okungi eri abaana abawala, إِنَّ شَأْنَةَ اللّٰهِ عَزَّوَجَلَّ.

Obulungi bwa Salat-‘Alan-Nabi ﷺ

Nabbi Omwagalwa era Ow’emikisa صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, ‘Abange abantu! Tewali kubusabusa, oyo anafuna obuwanguzi amangu ennyo ku lunaku lw’enkomerero okuva ku ntiisa zalwo ajjakubeera oyo mu mmwe eyali asomye Ṣalāt eri nze mu bungi mu nsi.’ (*Al-Firdaus*, vol. 5, pp. 375, *Hadīš* 8210)

صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّدٍ صَلُّوا عَلٰى الْحَبِيبِ

1. Omwaana omuwala eyasuulibbwa mu luzzi nga mulamu

Omuntu omu yajja mu maaso ga Nabbi asinga Obunene n’Obutukuvu صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ nagamba mu bwetowaze: Mu

Omwaana omuwala eyasuuliba mu luzzi nga mulamu biseera by'obutamanya [ng'obusiraamu tebunnaba kujja], twaali twesiinza amasanamu [ebibuumbe] era twaali tutta abaana baffe bennyini. Nnali nnina muwala wange eyali asanyuka ennyo bwennamuyitanga. Olunaku lumu, nnamuyita, era nangoberera nga musanyufu. Twatuuuka ku luzzi olwaali okumpi. Nga mmukutte omukono gwe, nnamusuula mu luzzi olwo! ‘Ttaata! Ttaata!’ yakaaba nnyo (naye naddayo). ﷺ yakaaba amaziga. Nabbi ﷺ yamala nagamba, ‘Obusiraamu bujjawo ebibi ebyakolebwa mu biseera by'obutamanya.’ (*Sunan Darimi*, vol. 1, pp. 14, Hadis 2)

2. Tttata! Oli mu kunzita?

Omuntu omu yagamba mu bwetowaze: Ya Rasulallah ﷺ! Bukyanga nsiramuka, sinnaba kuwebwa mukisa gwa kukomba ku buwoomu bwa busiraamu. Mu biseera by'obutamanya, nnali nnina omwaana omuwala. Nalagira mukyaala wange alungiye muwala wange (ng'amwambaza engoye ennungi). Namala nemmutwaala ku kinnya ekiwaanvu. Nnali ndi kumpi kumusuula mu kinnya ekyo, nayogera nga bwakaaba mu kutya okungi: يا أَبَتِ فَتَّشْنِي؟ i.e. *ttaata! Oli mu kunzita?* Naye namusuula mu kinnya ekyo (nga siwuliriza kukaaba kwe na biwoobe bye).

Ya Rasulallah ﷺ! Buli bwenzijukira ebigambo bya muwala wange (i.e. *ttaata! Oli mu kunzita?*), nnelalikirira nnyo era sirina kintu kyonna kinnyumira. Nabbi Amanyiddwa

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu ennyo era Ow'ekitiibwa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, 'Obusiraamu bujjawo ebibi ebyakolebwa mu kiseera ky'obutamanya, ate Istighfar ejjawo ebibi ebikolebwa (omusiraamu) mu mbeera ey'obusiraamu.' (*Tafsir Kabir*, vol. 7, pp. 225)

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Istighfar kitegeeza okusaba eDu'a ey'okusonyiyibwa. Du'a ekolebwa olw'okusonyiyibwa ebibi ebitono n'ebinene. Nolw'ekyo, Allah عَزَّوجَلَ bwaba ng'ayagadde, Yye عَزَّوجَلَ ayinza okwanukula okusaba kuno olw'okusasira kwe, ng'asonyiwa ebibi byonna ebinene n'ebitono. Naye, ku mirimu egya buli gyo, ba Muḥaddisin n'abamanyi b'obusiraamu بَحْرَفُ اللَّهِ السَّلَامَ baalambulula nti ebibi ebinene bisonyiyibwa ng'omaze kwenenya kwokka. Ate ku birungi by'emirimu emirala, buli awali amawulire amalungi ag'okusonyiyibwa ebibi, kitegeeza kusonyiyibwa bibi bitono byokka.

3. Abawala munaana baazikibwa nga balamu!

Sayyiduna Qays Bin 'Asim رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba Nabbi Omwagalwa era Ow'emikisa : صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ Mu biseera by'obutamanya, nnaziika bawala bange munaana nga balamu. Nabbi asinga Ekitiibwa era asinga Obutukuvu صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, 'Taa omuddu omu olwa buli omu (ku bawala abo).' Yye رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba, 'Nnina engamiya.' Nabbi Omwagalwa yagamba, 'Bwoba ng'oyagala, [oyinza] okusaddaaka engamiya emu kulwa buli omu ku bbo.'

(*Kanz-ul-'Ummal*, vol. 2, pp. 231, Hadis 3687)

صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ صَلَوَا عَلَى الْحَبِيبِ

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu

Ebyafaayo bitaano ebitiisa

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mumaze okusoma ebyafaayo ebimu ebikwaata ku kikolwa ekitaali kya buntu eky'okuziika abaana abawala nga balamu mu biseera by'obutamanya ng; obusiraamu tebunnaba kujja. Tulabye! Nga tebamanyi njigiriza za busiraamu, abantu abamu bazzeemu neera okutwaala enzaala y; omwaana omuwala nga ekintu ekibi era nebalaga obutali bugunjufu. Kino kitadde omusango omubi ennyo ogw'okutta okubeera nti gufuuka gwa buli lunaku. Wano watereddawo emisango etaano emibi ennyo egyakolebwa, nga gjiddwa okuva ku 'internet' nga mulimu encukacuka wano ne wali:

1. **مَحَاظَ اللَّهِ عَزَّوَجَلَّ** Kwali kuzza bujja ebyafaayo by'ekiseera eky'obutamanya ng'obusiraamu tebunnaba kujja. Ng'anyiziddwa enzaala ey'omuwala ow'omukaaga, ttaata omusunguwavu yatta muwala we ow'ennaku 10 zokka ng'amubbiinkira mu siinki ejjude amazzi. Mukyaala we yakiwakanya naye omusajja yamutta nga omukyaala yebasse. Omutemu yakwatibwa.
2. Wiiki ntono emabega, ng'anyiziddwa enzaala ey'omuwala, omusajja yaziika mukyaala we nga mulamu.
3. Mu July, omukyaala ow'emyaaka 25 egy'obukulu yayokyebwa bbaawe n'abako nga mulamu olw'okuzaala omwaana omuwala.
4. Kubanga bombi baali baagalana, bewasa era nebaweebwa omukisa okuva ewa Allah **عَزَّوَجَلَّ** nebafuna omwaana omulenzi

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu n'abawala babiri. Oluvannyuma lw'akaseera, omuwala ow'okusatu yazaalibwa. Nga munyiivu nnyo, bba oyo omusiru yakuba mukyaalawe bubi nnyo okutuusa bwneyafa era natwaalibwa mu ddwaaliro ng'afudde olw'obukosefu obwaava mu kukubwa okwo.

5. Omwaana omuwala ow'olunaku lumu olw'obukulu yaziikibwa nga mulamu. Mu kyaalo kimu ekya Punjab (Pakistan), ttaata omukambwe yaziika muwala we ow'olunaku olumu nga mulamu! Poliisi yamusiba. Amawulire agasingawo gagamba nti oyo ttaata eyali avunaanwa yali afuuse ttaata w'omuwala ow'omukaaga. Ng'awa sitamenti, ttaata oyo omukambwe yagamba nti omuwalawe yali mubi era ng'alina ffeesi enema. Yali yasaba n'omusawo okumukuba empiso ey'obutwa naye omusawo yagaana. Olwo naziika muwalawe nga mulamu.

(Daily Jang Online, 14 July 2012, amended)

Omwaana omuwala yafumbibwa mu ‘pressure-cooker’ nga mulamu!

Omuntu awangalira mu kitundu ekimu ekya Kashmir yali alina abaana abawala bataano era omwaana ow'omukaaga yali ali mu kkubo. Olunaku lumu yagmba mukyaala we, ‘Bwozaala omuwala omulala, njakukutta n'omwaana oyo omupya.’ Mu kiro eky'okusatu mu Ramadan 1426 AH (October 8, 2005), mukyaalawe yazaala omwaana omuwala omulala. (مَعَادُ اللَّهِ عَزَّوَجَلَّ) Oyo omusajja omutulugunyi yaddira omwaana we eyali

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu yakazaalibwa namuteeka mu ‘pressure-cooker’ nga mulamu nagikoleeza, nga yefuula atawulira kukaaba kwa mukyaalawe.

Mangu ddala, ‘pressure-cooker’ yayabika era musisi ow’entiisa ennyo yatandikirawo! Awataali kulinda kwonna, omusajja oyo omubi ennyo yaziikibwa nga mulamu. Maama w’omuwala eyali akoseddwa yawonyzezbwa, era ekyafaayo ekkyo ekitiisa kyabulirwa yye, Amawulire agamu gagamba nti musisi oyo yatta abaantu mitwaalo abiri.

Allah ﷺ bwaba ayagala ayinza okuwa omuntu omwaana omuleenzi oba omuwala oba natabeera na mwaana

الْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ Obusiraamu buwadde ekitiibwa eri omwaana omuwala, n’ebwongeza ettutumu lye. Omusiraamu abeera muddu muwombeefu owa Allah ﷺ era alina okugoberera ebiragiro Bye. Omuntu alina okumatira ekkyo kyawereddwaa, kabeere mwaana muleenzi oba muwala oba nga talina mwaana yenna. Kiwandikiddwa mu ayaa eya 49 ne 50 eza Sūrah Ash-Shūrā, ekituundu 25:

إِلٰهُ مُلْكُ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ يَخْلُقُ مَا يَشَاءُ ۖ يَهْبِطُ لِمَنْ يَشَاءُ إِنَّا
وَيَهْبِطُ لِمَنْ يَشَاءُ الْذُّكُورَ ۚ أَوْ يُرْزُقُهُمْ ذُكْرًا وَإِنَّا ۚ وَيَجْعَلُ مَنْ
يَشَاءُ عَقِيمًا ۖ إِنَّهُ عَلِيمٌ قَدِيرٌ ﴿٤٩﴾

Allah yekka y’alina obwakabaka bw’omu ggulu ne ku nsi, atonda kyonna kyaba ayagadde. Yaawa abaana abawala eri oyo gwayagadde era

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu
yaawa abaana abaleenzi eri yenna gwayagadde. Oba abagatta
bombiriri, abaleenzi n'abawala, era yafuula omugumba yenna gw'aba
ayagadde. Tewali kubusabusa, Yye yemumanyi wa buli kimu,
Ow'amaanyi gonna.

For Allah alone is the Kingdom of the heavens and the earth, He creates whatever He likes. He bestows daughters on whomsoever He likes and He bestows sons on whomsoever He likes. Or He couples both, the sons and the daughters, and He makes barren whomsoever He likes. Undoubtedly, He is All-Knowing, the All-Powerful. [*Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)*] (*Part 25, Ash-Shūrā, verses 49, 50*)

Omuwendo gw'abaana ba baNabbi abamu عليهم السلام

Ku kitundu kya ayaa eya 50th (i.e. era afuula omugumba yenna gw'aba ayagadde.), kiwandikiddwa mu *Khazain-ul-'Irfan*: Tebajja kubeera n'abaana. Yye (Allah عَزَّوَجَلَ) ye w'obuyiinza bwonna era agaba ebyengera bye eri oyo gwaba ayagadde. Awa kyonna kyonna eri oyo yenna gwaba ayagadde. Era kino kyekimu bwekyali ne bannabbi ab'ebitiibwa عليه السلام nabo. Sayyiduna Lut ne Sayyiduna Shu'ayb baali balina bawala bokka, tebaalina baleenzi. Sayyidunā Ibrāhīm عليه السلام yali alina baleenzi bokka era nga talina muwala n'omu, ate Nabbi Muhammad Ow'ekitiibwa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ yawebwa omukisa okuva ewa Allah عَزَّوَجَلَ ng'alina abaleenzi bana n'abawala bana. (*Khazain-ul-'Irfan, pp. 898*)

Omwaana omuwala eyasuuliba mu luzzi nga mulamu

Omuwendo gw'abaana abatukuvu aba Nabbi

Omwagalwa ﷺ

Kiwandikiddwa mu *Khazain-ul-Irfan* nti Nabbi Omwagalwa era Ow'emikisa ﷺ yali alina abaleenzi bana, waliwo enjogera nyingi ezawukana ku kino. Abamu bagamba nti ye ﷺ yalina baleenzi 3, ate abalala bagamba nti ye ﷺ yali alina abaleenzi 2.

Kiwandikiddwa ku lupapula olwa 827 olwa *Tazkira-tul-Anbiya*: Nabbi asinga Obunene N'obutukuvu ﷺ yali alina abaana abaleenzi basatu, nga bayitibwa Qasim, Ibrahim ne 'Abdullah. Kisigaze mu ndowooza nti Tayyib, Muṭayyab, Tahir ne Mutahhar gaali mannya ga Sayyiduna 'Abdullah. ﷺ Gano tegaali mannya g'abaana baleenzi balala. (*Tazkira-tul-Anbiya*, pp. 827)

'Allamah 'Abdul Mustafa A'zami رحمه الله تعالى yagamba ku lupapula olwa 687 olw'ekitabo *Sirat-e-Mustafa*: Abakenku mu byafaayo bona begata nga bagamba nti Nabbi Omwagalwa ﷺ yali alina abaana mukaaga: Abaleenzi babiri, nga bayitibwa Sayyiduna Qasim ne Sayyiduna Ibrahim (رحمه الله تعالى عنة) n'abaana abawala bana Sayyidatuna Zaynab, Sayyidatunā Ruqayah, Sayyidatuna Umm-e-Kulsum ne Sayyidatunā Fatimah رضي الله تعالى عنها naye abakenku mu byafaayo abamu bagamba nti Nabbi Ow'ekitiibwa ﷺ yali alina omwaana omuleenzi omulala eyali ayitibwa 'Abdullah رحمه الله تعالى عنه nga n'amannya ge amalala ye Tayyib ne Tahir. Ku kiwaayi kino, omuwendo gw'abaana abatukuvu aba Nabbi Omwagalwa

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ guli musaanvu, i.e. abaleenzi basatu n'abawala bana. (*Sirat-e-Mustafa*, pp. 687)

Ebigambo munaana ebya Mustafa ﷺ ebikwaata ku bulungi bw'abaana abawala

1. Temutwaala abaana abawala okubeera nti babi. Tewali kubusabusa, basanyusa.¹
2. [Singa] omwaana omuwala azaalibwa mu nnyumba y'omuntu era natamunyiiza era natamutwaala ng'omubi (omuwala) era natayagala muleenzi kusinga muwala, olwo Allah عَزَّوَجَلَّ ajja kuteekateeka omuntu oyo okuyingira mu Jannah.²
3. Omuntu atawaana olw'okukuza abaana abawala era nababalbirira bulungi, olwo nno abaana abawala bano bajja kubeera engabo ye okumukuma obutayingiza mu Muliro gwa Gyeena.³
4. Omwaana omuwala bwazaalibwa mu nnyumba y'omuntu, Allah عَزَّوَجَلَّ asindika bamalayika abaja nebagamba: أَسْلَامٌ i.e. *Abange mmwe abantu b'ennyumba eno!* Emirembe gibeere ku mmwe. Oluvannyuma bamalayika abo batwaala omwaana oyo omuwala wansi w'ekisiikirize

¹ Musnad Imam Ahmad Bin Hanbal, vol. 6, pp. 134, Hadis 17378

² Al-Mustadrak, vol. 5, pp. 248, Hadis 7428

³ Sahih Muslim, pp. 1414, Hadis 2629

Omwanaa omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu

ky'ebiwawatiro byazo era, nga bamuweweeta ku mutwe, bagamba nti kitonde kinafu ekizaliddwa ekitonde ekinafu. Oyo yenna atwaala obuvunaanyizibwa okukuza ekitonde kino ekinafu, Allah ﷺ aija kumuyamba okutuusa ku lunaku lw'enkomerero.¹

5. Oyo alina baana abawala basatu n'abayisa bulungi, eJannah efuuka Wajib (nkakafu) gyaali. Kyabuuuibwa: Ate bwebabeera babiri? Nabbi Omutukuvu ﷺ yayanukula, 'Newankubadde babiri.' Kyabuuuibwa: Ate bwabeera omu yekka? Nabbi Omutukuvu ﷺ yagamba, 'Newankubadde ali omu yekka.'²
6. Oyo alina abaana abawala basatu oba bannyina basatu oba abawala babiri oba bannyina babiri; n'abakuza era ng'atyatya Allah ﷺ bwezikwaata ku bbo, olwo eJannah yiye.³
7. Oyo alina abaana abawala basatu oba bannyina basatu n'abalabirira bulungi, aija kuyingira eJannah.⁴
8. Oyo akozesa esseente ze mu kulabirira abaana be abawala babiri oba bannyina babiri oba abawala abato babiri ab'owoluganda lwe n'ekigendererwa ky'okufuna empeera okutuusa Allah ﷺ lwabatongooza (i.e. nebawasibwa oba

¹ Majma'-uz-Zawaaid, vol. 8, pp. 285, Hadis 13484

² Al-Mu'jam-ul-Awsat, vol. 4, pp. 347, Hadis 6199

³ Sunan-ut-Tirmizi, vol. 3, pp. 367, Hadis 1923

⁴ Sunan-ut-Tirmizi, vol. 3, pp. 366, Hadis 1919

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu nebagaggawala oba nebafa), owlo nno bajja kubeera engabo gyaali okumukuuma obutayingira mu muliro.¹

Nabbi Omwagalwa ﷺ yalaga okwagala eri omwaana omuwala

Sayyidatuna Fatimah رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهَا bweyajja mu maaso ga Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ olwo ye yali ayimirira namuwuliriza. Oluvannyuma, ng'atwaala omukono gwe mu gugwe ogw'emikisa, ye صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ yali agunywegera era namutuuza bweyali atudde ye. Mu ngeri y'emu, ye صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ bweyagenda eri Sayyidatuna Fatimah رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهَا, yali ayimirira (Fatimah) ng'amulabye era nanywegera omukono gwe ogw'emikisa ng'agutadde mu mukono gwe, era namutuuza bweyali atudde. (*Sunan Abi Dawud, vol. 4, pp. 454, Hadis 5217*)

Omusaja omukambwe yakanyugira muwala wa Nabbi omukulu effumu

Sayyidatuna Zaynab رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهَا ye yali omuwala asinga obukulu mu bawala ba Nabbi صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ. Yazaalibwa mu Makkah emyaaka kkumi ng'obwa Nabbi tebunnaba kulaangirirwa. Oluvannyuma lw'olutalo lwa Badr, Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ yamuyita ave mu Makkah adde mu Madinah. Bweyamaliriza okusala ensalosalo za Makkah ng'avuga engamiya n'ekigendererwa kya Hijrah [i.e. okuseenguka],

¹ Musnad Imam Ahmad Bin Hanbal, vol. 10, pp. 179, Hadis 26578

Omwaana omuwala eyasuuliba mu luzzi nga mulamu abakafiri bamuziyiza mu kkubo lye. Omukafiiri omukambwe yamukanyugira effumu. Yagwa okuva ku ngamiya ye olubuto neluvaamu (i.e. omwaana eyali mu nnabaana yafifiramu.)

Nabbi Ow'ekitiibwa era Amanyiddwa ennyo صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yanyiizibwa nnyo era nanakuwazibwa nnyo ekikolwa ekyo. Ng'annyonnyola obukulu bwe, Nabbi Omunene era Omutukuvu ennyo هُنَّ أَفْضَلُ بَنَاتِي أُصَبِّيَتْ فِي صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ i.e. *Mu bawala bange, ye wawaggulu ennyo kulw'okufuna omutawaana omunene bwegutyo ng'asenguka adde gyendi.* Mu mwaaka gwa 8 mu kutandika okusenguka yafa. Nabbi Ow'ekitiibwa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yakulembera Salah ye eya Janazah n'amuteekayo wansi mu ntaana n'emikono gye eg'yemikisa.

(*Sharh-uz-Zarqani 'alal-Mawahib*, vol. 4, pp. 318)

Empeta yaweebwa omuzzukulu

Sayyidatuna 'Aishah Siddiqah رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهَا yagamba: Ssekabaka Najjashi yawa Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ eby'okwewunda ebimu omwaali empeta eyaliko ejjinja eriddugavu nga lya beeyi. Nabbi wa Rahmah صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yakwaata ku mpeta eyo n'akati oba n'olugalo olw'emikisa. Oluvannyuma, ng'ayita muzzukulu we omuwala, Umamah رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهَا, eyali omwaana omuwala omwagalwa ennyo owa muwalawe omukulu Sayyidatuna Zaynab رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ, Nabbi صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, 'Owange muwala omuto! Gyambale.' (*Sunan Abi Dawud*, vol. 4, pp. 125, *Hadis* 4235)

Omuzzukulu omuwala ng'ali ku kibegabega eky'emikisa ekya jajja we ku lulyo lwa mmaama

Kiwandikiddwa mu *Bukhari ey'emikisa*: Sayyiduna Abu Qatadah صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba: Nabbi asinga Ekitiibwa رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَنْهَا yajja gyetuli ng'asitudde muzzukulu we omuwala, Umamah Bint-e-Abul 'As رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَنْهَا, ku kibegabega kye eky'emikisa. Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yamala n'atandika okukulembera mu Salah. Bweyali akutama okukola Rukū', Nabbi صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yali amuteeka wansi ate n'amusitula ng'ayimirira waggulu. (*Sahih Bukhari*, vol. 4, pp. 100, Hadis 5996)

Okunnyonnyola ku kitundu kya Salah mu Hadis eyo

Ng'ayogera ku Hadis eno ey'emikisa, Mufti Sharif-ul-Haq Amjadi رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ eyawandiika okunnyonnyola kwa *Sahih Bukhari* yagamba: (Abantu abamu) balowooza nti e Salah eyo esaaliddwa ng'omwaana omuto ali ku bisambi tetuuka. Okumenyawo endowooza eyo enkyaamu, Imam Bukhari رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yakungaanya omulyango guno, ng'anyonyola Hadis eno. Omubiri n'engoye z'omwaana omuto bibeera bitukuvu era tewali 'Amal-e-Kasir esangibwa mu ku mussa waansi n'okumuteeka ku kisampi, olwo nno tewali kibi kiri mu kusaala Salah ng'omwaana akuli ku kisaambi. (*Nuzha-tul-Qari*, vol. 2, pp. 198)

Ku Hadis eno ey'emikisa, kiwandikiddwa mu *Tafhim-ul-Bukhari*: Nabbi wa Rahmah رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yakikola ekyo okusobola okutulaga nti kikkirizibwa. Tekyaali Makruh gyaali (wabula ate yali nsoonga y'empeera gyali.) (*Tafhim-ul-Bukhari*, vol. 1, pp. 864)

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu

Amakulu ga ‘Amal-e-Kasir

Okunnyonnyola okwo waggulu kwogera ku‘Amal-e-Kasir. Kiwandikiddwa ku lupapula 142 olwa *Laws of Salah* – ekitabo eky’empapula-324 ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah-ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami: ‘Amal-e-Kasir etta e Salah bwekiba nga ssi kikolwa kya mu Salah oba nga tekikoleddwa kutereeza Salah. Okukola ekikolwa ng’abwokirabira ewala kiringa omukozi waakyo tali mu kusaala Salah oba bwewabaawo omukisa munene [Zann-e-Ghalib] nga kirowozesa omulabi ali ewala nti tali mu kusaala Salah, olwo ekikolwa ekyo kiyitibwa ‘Amal-e-Kašīr era ekyo kitti e Salah. Omuntu alabira ewala bwaba ng’abusabusa oba omukozi waakyo ali mu kusaala Salah oba tali mu kusaala, ekikolwa ekyo kiyitibwa ‘Amal-e-Qalil ekitattaa Salah. (*Durr-e-Mukhtār*, vol. 2, pp. 464)

Ameteeka g’okusaala Salah n’omwaana ng’ali ku kisaambi

Kiwandikiddwa ku lupapula 476 olwa *Bahar-e-Shari’at* (voliyumu 1): Omuntu bw’asaala Salah n’omwaana omuto ku kisambi kye ng’omwaana tayinza kusigala yekka ku kisaambi wabula oyo omusaaze wa Salah akutte omwaana oyo ng’omubiri gwe n’engoye ze si ntukuvu oktuusa ku ddaala nti kitti eSalah, olwo eSalah tejja kutuuka kubanga oyo omusaaze wa Salah ali mu kukwaata mwaana oyo. Naye, omwaana oyo bwaba ng’asigala yekka era nga teyetaaga musaaze wa Salah ku mukwaata, Salah ejja kutuuka kubanga omusaaze wa Salah tali mukukwaata mwaana oyo mu mbeera eno. Naye era, kitamwa

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu bwekiba nga kikoleddwa awatali bwetago bwakyo newankubadde tewali bukyaafu ku mubiri oba ku ngoye z'omwaana.

Okwewaayo kwa mmaama mwaavu eri bawala be

Sayyidatuna 'Aishah Siddiqah رضي الله تعالى عنها yagamba: Omukyaala omwaavu yajja gyendi n'abaana be abawala babiri. Nnamuwa enteende ssatu. Yawa buli omu kubbo enteende emu. Yamala n'ayawuza mu enteende eyali esigaddewo mu bitundu bibiri byeyali ayagala okulya naye yabiwa bawala be bombi. Kyannewuunyisa nnyo okulaba kyeyali akoze. Nabuulira Nabbi Omwagalwa صلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ engeri omukyaala oyo gyeyali yewaddeyo. Nabbi صلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ yagamba, 'Allah afudde ejannah Wājib (nga yatteeka) eri omukyaala oyo olw'okwewaayo kwe kuno.' (*Sahih Muslim, pp. 1415, Hadis 2630*)

Empeera y'okwewaayo

ما شاء الله عَزَّوجَلَّ! Ng'okwewaayo kirungi nnyo! Singa naffe twali twayiga okuwaayo byetusiinga okwagala! Wuliriza Hadis eno ey'emikisa okwongeza okukubiriza: Nabbi Omutukuvu صلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ yagamba, 'Omuntu ayagala ekintu [ate] oluvannyuma, ng'amingga omulugubegwe, nakulembeza omuntu omulala neyerekereza, olwo Allah عَزَّوجَلَّ amusonyiwa. (*Ihya-ul-'Ulum, vol. 3, pp. 114*)

Obulungi bw'okuwa ekintu kyonna nga bawala b'osoosa

Sayyiduna Anas Bin Malik رضي الله تعالى عنه yagamba nti Nabbi w'abantu bona, Emirembe gy'omutima gwaffe n'endowooza.

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu

Asinga obugabi n'ekisa ﷺ yagamba: Oyo yenna aleetera abaana be ekintu ekipya okuva mu katale, aliinga oyo abakolera Sadaqah. Ate alina okutandika n'abawala [i.e. ekintu ekyo alina kusooka kukiwa bawala] kubanga Allah عَزَّوَجَلَّ alina ekisa eri abawala. Ate omuntu alaga ekisa eri bawala be, alinga oyo akaaba mu kutya Allah عَزَّوَجَلَّ ate oyo asanyusa bawala be, Allah عَزَّوَجَلَّ ajja kumusanyusa ku lunaku lw'enkomerero.' (*Al-Firdaus, vol. 2, pp. 263, Hadis 5830*)

Okulamula okw'amakulu ennyo okukwaata ku ka T.V k'olubuto (ultrasound)

Olw'okwejjusa, ennaku zino abasiraamu bangi tebagala luzaala lwa muwala! Abazadde abamu bekebeza ku ka T.V k'olubuto (ultrasound) basobole okumanya oba omwaana muleenzi oba muwala. Omusawo bwagamba nti omwaana muwala, olwo abakazi abamu olubuto balujjamu, مَحَمَّدُ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

Sigaza mu ndowooza yo okulamula okw'amakulu ennyo okukwaata ku kwekebeza ku ka T.V k'olubuto (ultrasound). Bwekiba ng'ekigendererwa ky'okukola ultrasound kujjanjaba bulwadde obwetagisa obuyambi bwa ultrasound okukakasibwa, nga mulimu okubikkula Satr y'omukazi (engoye ze), olwo omukazi asobola okufuna ultrasound ng'ekoleddwa omukazi omusiraamu (oba n'omusajja bweba ng'embeera ewalirizza) naye ku kiragiyo eky'omusawo omutendeke era omukenkufu (physician) naye. Okufuna okumanya ku buwala oba obusajja bw'omaana atannaba kuzaalibwa tekirina bwekikwaatira na

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu bujjanjabi bwa busawo, ate ultrasound ebeeramu okubikkula kwa Satr (i.e. ebituundu ng'ekkuundi) ey'omukyaala, nolw'ekyo, okukola ultrasound mu mbeera eno yadde nga mukazi musiraamu yagikola ate omusajja ng'omulesse kikolwa kiri Harām ekitwaala omuntu mu muliro gwa gyeena.

Ekyafaayo ekinakuwaza ekikwata ku kusasika kwa famire olw'ekusoma okufu okwa ultrasound

Nga ebimanyibwa mu kunonyereza kwa sayansi tebiba bituufu byonna, okusoma kwa ultrasound kuyinza obutabeera kutuufu kakubeere kumanya oba omwaana muleenzi oba muwala oba okukakasa obulwadde bwonna. Mu pulogulaamu emanyiddwa ennyo eya buli wiiki eya Madani Channel eya Dawat-e-Islami eyitibwa ‘*Aysa kyun hota hay*’ i.e. ‘*Kulwaaki kibeerawo?*’ ekituundu 14 ‘*Zulm ki Intiha*’ i.e. ‘*Obulyazamaanyi obususse*’ kakensa w’omu labalatole emu mu Pakistani yayogera ebigambo bino ng’abulira ku kyeyali ayiseemu: Omukazi omu yakola ka T.V k’olubuto mu nnaku ezasooka ng’ali lubuto. Ka ttivi k’alaga nti agenda kuzaala mwaana muwala. Bbbaawe eyali amuwerekedde mu ddwaaliro bweyakiwulira bwaati, yagoberawo omukazi oyo omunaku (yamuwa Talaka)! Bweyatuuuka okuzaala, yazaala mwaana muleenzi! Naye eky’ennaku! Amaka g’omukyaala oyo gali gasasise olw’okusalawo kw’omusajja oyo eyali y’esigiddewo okulangirira kw aka tivvi (sikaani)!

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu

Okuzaala kw'omwaana omuwala newankubadde kyali kiraga muleenzi

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mulabye nti ka tivvi k'olubuto tekabeera katuufu lubeerera. Muwulirize ekyafaayo ekirala ekikwaata ku kino. Wano waliwo mu bumpimpi ebimu ku mubuulizi wa Dawat-e-Islami byeyatubuulira. Yagamba: Omu kubantu bennali nsomyeeko nabo mu kibiina kyekimu kati akola mu maje. Mu 2006 oba 2007, mukyaala we yali lubuto. Ka tivvi k'olubuto kaalaga nti omwaana muleenzi. Nolw'ekyo, nga basuubira okulaba okwo okubeera nti kutuufu, mmaama w'omwaana mu ssanyu eringi yategeka engoye z'abasajja. Naye omwaana bweyazaalibwa, yali muwala. Essuubi lya jjaja omukazi lyonna lyadda wansi. Ng'awulira obuswaavu, yakakkanya obusuungu bwe ku muwala we. (معاذ الله عزوجل)! Kiringa oba yali azadde ommuwala nga akigenderedde).

Newankubadde repoota bbiri ezaali ziraga nti mwaana muwala, omuleenzi ye yazaalibwa

Omusomesa omu mu Jami'a-tul-Madinah ekitebe ky'ensi yonna Madani Markaz eya Dawat-e-Islami, Faizan-e-Madinah (Bab-ul-Madinah, Karachi) yagamba: Mu 2013, mukyaala wange yaliasuubira omwaana omulala. Ku lw'okusaasira kwa Allah عزوجل, nnali nnina omwaana omuleenzi omu n'abawala basatu. Bu tivvi busatu bwakolebwa olw'obusawo mu myeezi egypt enjawulo. Omusawo omukyaala eyali okoze ka tivvi akasooka yagamba nti omwaana muleenzi. Bu tivvi obubiri obulala bwakolebwa

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu omusawo omukkenkufu omukyaala. Oluvannyuma lwa buli ka tivvi, yababuulira amawulire amalungi ag'omwaana omuwala. Olw'emikisa gy'embeera ya Madani eya Dawat-e-Islami, nail nnina endowooza ebintu bino byakuyiiya, era si bya kukakasa. Okwogera amazima, nnali njagala nnyo okufuna mwaana muleenzi mu kiseera kino. (Nnali mmaze okumalirira mu ngeri ez'enjawulo okugeza nti njakumufuula mumanyi, Mufti era omubuulirizi wa Dawat-e-Islami.) Nolw'ekyo, salekerawo kusaba Du'a eno eri Mutonzi wange: 'Ya Allah ﷺ! Tuwe omwaana omuleenzi ajja okutuleetera obulungi kuno ku nsi ne ku Akhirah.'

Nnali nfunye n'endowooza ey'okwebaza Allah ﷺ singa omwaana eyazaalibwa yali muwala kubanga nasoma ekigambo eky'emikisa ekya Nabbi Omwagalwa ﷺ, 'Temutwaala baana bawala nti babi. Tewali kubusabusa, basanyusa.'¹ Nolw'ekyo, nnali nfunye okwagala kungi eri abana bange abawala. Mu kyennyume kya bu tivvi bwombi, omwaana amuleenzi anyirira yazaalibwa ku September 16, 2013, ﷺ (i.e. okwebaza kwa Allah ﷺ olw'omukisa guno).

Okwagala okufuna omwaana omuleenzi n'ekigendererwa ekirungi

Jjukira! Omusiraamu bwaba nga tatamwa baana bawala, nasigala nga mumativu ku kugera kwa Allah ﷺ era nayagala

¹ Musnad Imam Ahmad Bin Hanbal, vol. 6, pp. 134, Hadis 17378

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu okufuna omwaana omuleenzi, ng'akola Du'a n'okukozesa Awrad ne Ta'wizat okukituukako, olwo kino kikkirizibwa. Bwatoola Niyyah enungi ez'okufuula omwaana we omuleenzi okubeera Hafiz, Qari, omumanyi w'obusiraamu, Muftī oba omubulirizi wa Dawat-e-Islami, olwo kikolwa ekifunisa empeera (Niyyah z'ezimu ziyanza okukolebwa eri omwaana omuwala). Ebirubiriwa by'abo abatambula ne Madani Qafilah eyagazisa Sunnah mu kinywi ky'abagazi ba Rasul n'okusabirayo Du'ā eyo, oluusi bituukirira. Wuliriza ekyafaayo kya Madanī eky'owoluganda omusiraamu eyafuna omukisa gw'omwaana omuleenzi.

Okuzaalibwa kw'omwaana omuleenzi owa Madani

Wano waliwo mu bufuunze ebigambo ebyayogerwa ow'oluganda omusiraamu okuva mu Qasba colony (Bab-ul-Madinah, Karachi). Yagamba: Twaali tulina abaana abawala bangi mu famire yaffe. Kojja wange yali alina abawala musaanvu ate muganda wange omukulu yali alina abawala mweenda! Bwennawasa, mukyala wange naye yazaala omwaana omuwala. Nga abantu abalala abangi, abamu ku b'enganda baffe belalikirira era nebalowoloreza nti waliwo omuntu eyali atuloze obutafuna baana baleenzi. Natoola Niyyah ey'okutambula ne Madani Qafilah ey'omweezi gumu; bwemba nga mpeereddwa omukisa gw'omwaana omuleenzi.

Mukyala wange lumu yaloota mweyalaba nti akatundu k'olupapula kaali kagudde okuva mu ggulu kumpi naye.

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu

Bweyasitula akapapula ako mu kirooto, erinnya ‘Bilāl’ lyaali liwandikiddwaako. ﷺ! Ku lw’emikisa gya (Niyyah eya) Madani Qafilah ey’omweezi ogumu, Allah ﷺ yatuwa omukisa gw’okufuna omwaana omuleenzi. Twaweebwa omukisa omulala ogw’abaana abaleenzi babiri abalala.

ﷻ! Kirowoozo kyange ekirungi nti emikisa gya Madani Qafilah eyo ey: omweezi ogumu tegyasigala ku nze nzekka wabula buli omu mu ffamire yaffe eyali atalina mwaana muleenzi yafuna omukisa gw’okufuna abaana abaleenzi. ﷺ Mu kiseera kino, mpereza mu Dawat-e-Islami nga avunanyizibwa ku Madani Qafilah ez’omu kitundu kyange.

صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ صَلَوَاتُ اللَّهِ عَلَى الْحَبِيبِ

Obutatuukiriza bwaagazi nakyo kirabo

Abagalwa ab’oluganda abasiraamu! Mulabye engeri ebirubirirwa n’ebagalibwa bwebituukizibwa, ennaku n’efuuka essanyu ate obuzibu nebubeera obwaangu olw’emikisa gya Madani Qafilah. Naye, tekikakata nti buli kigendererwa n’obwagazi nti kituukirizibwa. Oluusi omuntu ayagala ebintu ebitamugasa era okwagala kwe nekutatuukirira. Mu mbeera ng’ezo, obutaweebwa kyoyagala nagwo gubeera mukisa.

Okugeza, omusaja ayiinza okusaba okufuna omwaana omuleenzi naye naweebwa abawala kubanga kino kyekirungi gyaali. Omuleenzi bwazaalibwa, okugeza, ayiinz aokubeera omuzibe

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu w'amaaso oba omulema oba omulwadde lubeerera. Newankubadde azaaliddwa nga mulamu, ayiinza okutulugunya bazadde be ng'amaze okukula, oba n'afuuka omunywi w'enjaga, omubbi, omunyazi. Allah ﷺ agamba mu ayaa 216 eya Surah Al-Baqarah:

وَعَسَىٰ أَنْ تُحِبُّوْا شَيْئًا وَهُوَ شَرٌّ لَكُمْ

Era muyinza nnyo okwaagala ekintu naye nga kye kibi gyemuli.

And it is likely that you may like a thing which is bad for you.

[Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)] (Part 2, Al-Baqaraḥ, verse 216)

Ebimuli bya Madani kkumi na bisatu ebikwaata ku Ta'wizat

1. Nga tonnaba kusoma ayaa yonna eya Quranic, kyetagisa okwetukuza okuva ku nsoonga (ez'obukyala), omusaayi oluvannyuma lw'okuzaala ne Ghusl-e-Janabat [i.e. olunaaba olukukakatibwakwo]. Ate, olina okulaba nti oli mu mbeera ya butukuvu ng'oli mu kuwandiika Ta'wiz yonna erimu ayaa. Omuntu oyo Ghusl nga teri Fard gyaali asobola okusoma ayaa yonna ng'ajitunuddeko oba kuva mu mutima nga talina Wudu ate nga tajikutteeko naye tebakkirizibwa kuwandiika Ta'wiz eya ayaa yonna nga tebalina Wuḍū. Mu ngeri y'emu, kiri Haram eri abantu abo bona okukwaata Ta'wiz ng'eyo oba empeta; oba okwambala empeta eriko Muqatta'at [i.e. ennyukuta ezitandika Surah ezimu eza Quran].

2. Ta'wiz yonna erimu ayaa bweba nga etungiddwa mu lugoye, olweddiba erirongoseddwa oba eddiba lyennyini etc., kikkirizibwa eri abo abatalina Wudu ne Ghusl okujikwaata n'okugyambala.
3. Ta'wīz giwandiikenga mu ngeri nti saako (circle) ey'abuli nnyukuta erimu ekituli esigala nga nzigule ط ظ ه ص ض و م ف ق etc.
4. Tekikakatibwa kuteekako bubonero bwa kuweerera (i.e. Zayr, Zabar, Paysh etc.) ng'owandiika etc.
5. Ta'wiz eyambalibwa erina okuwandiikibwa bwiino atasangukibwa mazzi nga owa bbayiro eriko akapiira ku kalimui.
6. Nga tonnaba kufunya oba kuziinga Ta'wīz, soma:

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
وَصَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ نُورٍ مِّنْ نُورِ اللَّهِ

7. A'la Hadrat ﷺ yatandika nga ku ddiyo ng'aziinga mu Ta'wiz.
8. Abo abambala Ta'wīz balina okugiziinga mu lupapula olwa 'wax' oba pulasitiika abikka okugikuuma okuva ku ntuuyo oba amazzi, oluvannyuma ogituungire mu lugoye, eddiba erirongoseddwa oba eddiba lyennyini etc.

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu

9. Tekikkirizibwa eri musajja kwambala Ta'wiz etereddwa mu ka bookisi akakoleddwa mu zaabu, ffeeza oba ekyuma ekirala.
10. Mu ngeri y'emu, kibi eri omusajja okwambala olujegere olw'ekyuma wadde lulimu Ta'wiz oba nedda.
11. Tekikkirizibwa eri musajja kwambala lukomo oba kakomo kakoleddwa mu zaabu, ffeeza, ekyuma oba ekyuma ekirala kyonna wadde kuliko ebiwandikiddwaako oba nedda. Newankubadde erinnya eritukuvu ery'emikisa erya 'Allah' oba Kalimah Tayyibah byebiwandikiddwako, tayinza ku byambala.
12. Omukyaala ayinza okwambala Ta'wiz etereddwa mu ka bookisi ka zaabu oba ffeeza.
13. Kiri Makruh okukozesa ensuwa, ebbakuli oba esowaani etc. ebirina ayaa ya Quran nga ewandikiddwaako. Naye, bwoba ng'olina Niyyah ey'okufuna okuwonyezebwa obulwadde obumu, oyinza okunya amazzi etc. mu bbyo, naye okukwaata ensuwa ewandikiddwaako ayaa kiri Haram eri oyo atalina Wudu oba Ghusl era kye kimu eri omukyaala ali mu nsoonga oba ayisa omusaayo ogw'okuzaala.

(Bahar-e-Shari'at, vol. 1, pp. 327)

Omwaana omuto etc. bwaaba nga ayiye amazzi okuva mu nsuwa ewandikiddwaako ayaa nagateeka mu nsuwa endala, abalwadde ab'ebika byonna n'abantu abalamu bayinz aokunywa amazzi ago.

صَلَوٰةُ عَلٰى الْحَبِيبِ صَلَوٰةُ عَلٰى مُحَمَّدٍ

Envummula makumi ana ez'omwooyo

Envummula nnya ez'omwooyo ez'obugumba

(Soma Salat-'Alan-Nabi omulundi gumu ku ntandikwa ne ku nkomerero ya buli Wird).

1. Gufuule muzegwo okusoma بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ emirundi 300 oluvannyuma lwa buli Salah. Omuntu oyo agisoma ajakufuna abaana, إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ (Ab'oluganda ab'obulenzi n'abobuwala abasiraamu bonna basobola okugisoma.)
2. Nga basomye لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ emirundi 56 mu matuumbi budde, bba n'omukyaala balina okwegatta. Ku lw'okusaasira kwa Allah عَزَّ وَجَلَّ, omwaana omulongoofu aijakuzaalibwa ajja okuleeta essanyu eri abazadde.
3. Soma يَا أَوَّلُ emirundi 41 buli lunaku. Omusomi wayo ajjakufuna abaana, إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ. (Ebbanga ly'oku gisoma: 40 days)
4. Ddira karafuu (cloves) 40. Soma ayaa eya 40 eya Surah An-Nur emirundi musaanvu omale ofuuwe omukka ogwo ogw'omukamwa ku buli karafuu. Fuuwa ku buli karaffu ezo maku ana buli emu kulwaayo ng'osoma aya eyo waggulu emirundi musaanvu ku buli karafuu. (Omuntu

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu

yenna ayinza okugisoma). Omukyaala alina okufuna Ghusl ku lunaku ensongaze bwezikoma era alye karafuu emu buli lunaku ku ssaawa z'okwebaka, okuva ku lunaku olwo lwennyini. Talina kunywa mazzi mangu ddala luvannyuma. Mu nnaku zino 40, alina okwegatta ne bbaawe waakiri omulundi gumu (bwezikolebwa okusukka omulundi gumu tewali kibi mu kkyo). إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ bajjakufuna omwaana.

Envummula kkumi ez'omwooyo ez'okufuna omwaana omuleenzi

(Soma Salat-'Alan-Nabi omulundi gumu ku ntandikwa ne ku nkomerero ya buli Wird).

5. Oyo asoma يَا مُتَكَبِّرُ emirundi 10 nga tannaba kweegatta na mukyaalawe, ajja kufuuka ttaata ow'omwaana omuleenzi omulongoofu, إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.
6. Omukazi alina olubuto alina okusoma يَا مَتَّيْنُ emirundi 70 ng'atadde akagaloke akasoonga ak'omukono gwe ogwa ddiyo ku lubuto lwe era akatambuze ng'aketolooga ekkundilye. Kikole okumala ennaku 40. Ku lw'obugabirizo bwa Allah عَزَّ وَجَلَّ ajjakufuna omwaana omuleenzi. Ekikolwa kino kirimu obujjanjabi eri buli bulwadde. Omulwadde yenna akikola ajjakuwonyezebwa, إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ. (Tewali bwetaavu kubikkula lugoye okuva ku kkundi. Kikole waggulu w'olugoye.)

7. Olunaku lwonna mu mweezi ogusooka ogw'olubuto, bba
owandiike **لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ** emirundi 54 ku sayidi ya ddiyo
ey'embiriizi za mukyaalawe akikola omulundi gumu gwokka,
ajjakufuuka ttaata w'omwaana omuleenzi, **إِنَّ شََّهَادَةَ اللَّهِ**.
(Giwandiike n'olugalo lwo olusoonga olw'omukono gwa
ddiyo nga tokozesa bwiino. Toteekako bubonero
bwakuweerera. Bba ng'amaze okugwandiika omulundi
gumu, tewali kibi mu kugiwandiika emirundi emirala
awantu wewamu wali weyawandikako.)
8. Omusajja atalina mwaana asiibe ennaku 7 eza Nafl. Buli
lunaku mu kiseera kya Iftar (okusiibulukuka), asome **يَامُصْحَّرُ**
emirundi 21, afuuwe omukka gw'omumwa ku mazzi
mukyaalawe aganywe. (Omukyaala bwaba nga naye asiiba,
olwo alina okukola Iftar ng'akozesa amazzi g'egamu ago.)
Ku lw'okusasira kwa Allah **عَزَّوَجَلَّ**, omwaana omuleenzi
omulongoofu ajjakuzaalibwa. Omukazi omugumba naye
asobola okukola ekikolwa kino era asobola okukola Iftār
(okusiibulukuka) ng'akozesa amazzi gano ng'amaze
okusomaa **يَامُصْحَّرُ** emirundi 21 nagafuuwako. times and
(Bwebaba nga baagala, bombi bayinza okukola Wazifah
eno mu biseera eby'enjawulo.)
9. Omukyaala bwaba ng'alina olubuto oluweezza emyeezi 3
n'ennaku 20, alina okukola ekikolwa kino buli luknaku
okumala ennaku 40 ez'eddiringana: Salat-'Alan-Nabi
emirundi mu ntandikwa. Oluvannyuma, soma Sūrah

Yāsīn emirundi 7 ne بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ku ntandikwa ya buli mulundi. Oluvannyuma, soma Salat-‘Alan-Nabi emirundi 11ku nkomerero, ffuuwa mu mazzi era oganywe. (Asobola okukola kino ekikolwa bwaaba ng’asobola okusoma Quran n’enjatula entuufu. Wewale okwogera ng’okola ekikolwa kino.) Omwaana omuleenzi omulongoofu ajjakuzaalibwa, ﴿إِنَّمَا الْكِتَابُ عِزَّةٌ لِّلَّهِ عَزَّوَجَلَّ﴾.

10. Ng’atadde omukono ku lubuto lw’amukyaalawe ow’olubuto, bba asome: ‘إِنَّمَا ذَرَّا فَقْدَ سَيِّئَتُهُ مُحَمَّدًا’ (Bwabeera muleenzi, mmutuumye erinnya Muhammad.) (Omwaana omuleenzi ajjakuzaalibwa, ﴿إِنَّمَا الْكِتَابُ عِزَّةٌ لِّلَّهِ عَزَّوَجَلَّ﴾. Bba bwaaba ng’ategeera amakulu g’ebigambo ebyo eby’oluwarabbu, tewali bwetaavu bwakubisoma mu nzivunnula. Bwekitaba ekyo, enzivunnula nayo agisome.)
11. Bbewabaawo ebizibu nga obugumba, embuto okuvaamu, abaana okufa oluvannyuma lw’okuzaalibwa n’obutafuna baana baleenzi, olwo teeka omukyaala ayimirire oba yebake nga yegolodde opime wuzi musaanvu eza ppamba entonotono okuva ku nviiri ez’ekyeenyikye okutuusa ku bugere bwe. Soma Ayat-ul-Kursi emirundi 11 mu ngeri nti buli lw’osoma Ayat-ul-Kursi, siba akafundikwa kamu era okafuuwemu. Buno obufundikwa bulina okusibibwa mu kiwato ky’omukyaala. (Wuzi zino zisobola okutuungibwa mu kifundikwa eky’olugoye ekiwaanvu, bwekiba kyetagisibwa, kisobole okusigala nga kisibibwa ku lubuto

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu bweluba nga lugejja. Obuwantu bw'akagoye kano bwebukendeera, kayinza okuwanvuyizibwa ng'ogattako akagoye akalala.)

Togisumulula okutuusa ng'omwaana azaliddwa. Tojija ku mubiri newankubadde ng'ofuna Ghusl (okunaaba). Obubonero bw'olubuto bwebujja, kola Fatihah eya Ghaus-e-Pak ﷺ, Sayyiduna Shaykh Muhammad Afdal ﷺ ne Sayyiduna A'la Hadrat Imam Ahmad Raza Khān ﷺ ku kintu ekiwooma ekifumbiddwa awaka okugeza omuceere omweeru oguwooma (nga swiiti). Omukkyala asaale Rak'at bbiri eza Nafl. Oluvannyuma ayimirire waggulu ayatule nga bwatunudde mu kibuga ekitukuvu ekya¹: Ya Ghaus-e-A'zam ﷺ! Bwenzaala omwaana omuleenzi, njakumufuula mudduwo era njakumutuumma Ghulam Muhiyyuddin.' Omwaana omuleenzi yekka yajja okuzaalibwa, إِنَّ شَأْلَهُ عَزَّوَجَلَ.

Omwaana omuleenzi bwazaalibwa, alina okufunisibwa Ghusl (okunaazibwa) era Azan esomebwé mu matuge. Oluvannyuma Iw'okwatula Azan, sumulula akagoyegoye ako okuva mu kiwato kya mmaama era okasibe ng'oketolooza ku bulago bw'omwaana (bwoba ng'oyagala, osobola okujjamu ewwuzi eriko obufundikwa yennyini

¹ Ng'otunulira encukacuka mu kwolekera kw'ebibuga eby'enjawulo ebya Pakistan, okutunula mu Baghdad ng'oli mu Pakistan kitereddwa ku bupimi musaanvu oba munaana okuva ebugwanjuba ng'odda mu mambuka. Abo abawangalira mu Pakistan ne India bwebacuuka katono ku ddiyo, nga batunudde mu kwolekera eri Ka'bāh, bajjakubeera nga batunudde mu Baghdad.

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu

okuva mu kagoyegoye kano akawanvu era okambaze omwaana). Ekirala, tereka ennusu (esseente) ey'enjawulo ng'oziyawuliridde buli mwaaka olwa Niyaz ya Ghauš-e-Pak وَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ okuva ku mazaalibwa g'omwaana. Omwaana bwaweza emyaaka 11 egy'obukulu, gula ebintu ebiwomerera ng'okozesa ennusu ezo 11 era okole Niyāz. Osobola okwongerezako essente endala ku nnusu zino 11 era nokola Niyāz. Oluvannyuma olufundikwa luno olwa wwuzi lusiikibwe mu kifo ekyekusifu.

12. Oluvannyuma lw'okuva mu nsoonga z'abakyaala, waayo Sadaaka (essente zogaba) nyingi nga bwosobola. Soma Surah At-Taubah omulundi gumu, ne Salat-'Alan-Nabi emirundi 11 mu ntandikwa ne ku nkomerero, omwaana omuleenzi ajjakuzaalibwa, إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.
13. Omukazi asome ayaa eno emirundi kikumi oluvannyuma lwa buli Salah:

١٧
رَبِّ لَا تَذَرْنِي فَرِدًا وَّ أَنْتَ خَيْرُ الْوَرِثَيْنَ

Ajjakufuna omwaana omuleenzi, إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.

14. Balo n'omukyaala basome Surah Al-Kawsar emirundi 101 buli kanaka, mangu ddala bajjakufuna omwaana omuleenzi, إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.

¹ Ekitundu 17, Surah Al-Anbiya, ayaa 89

Envummula ttaano ez'omwooyo ez'okuzaala okwaangu

15. Omukazo bwaba ng'awulira obulumi bungi obwa leeba, akwaate ekifananyi kya Muhr-e-Nubuwwat ne Na'l-e-Pak mu kikondekye oba abisibe ku mukono gwe. Asome يَا أَللَّهُ عَزَّوَجَلَّ ebbanga bwerimala nga Satr ye ebikkiddwa (ng'omubiri ggwe gubikkiddwa). Bwaaba ng'agalamidde, afunyemu amaguluge ng'akola Wird eno. Ajjakuzaala mu ddakiika ntono، إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.
16. Soma يَا حَمْ يَا قَيْوُمْ emirundi 111 (ne Salat-'Alan-Nabi omulundi gumu ku ntandikwa ne ku nkomerero) era ofuuwe ku lubuto ne ku mugongo gw'omukazi alina bulumi obwa leeba; oba wandiika يَا حَمْ يَا قَيْوُمْ emirundi 111 ku katundu k'olupapula era okasibe ku bitundu ebyo ebyogeddwa waggulu. Ku Iw'okusaasira kwa Allah عَزَّوَجَلَّ, obulumi bwa leeba n'okuzaala bijjakufuuka byangu.
17. Ng'osoma ayaa ettaano ezisooka eza Surah Al-Inshiqaq:

إِذَا السَّمَاءُ انشَقَتْ ﴿١﴾ وَآذَنَتْ لِرِبَّهَا وَحْقَتْ ﴿٢﴾ وَإِذَا الْأَرْضُ

مُدَّتْ ﴿٣﴾ وَأَلْقَتْ مَا فِيهَا وَتَخَلَّتْ ﴿٤﴾ وَآذَنَتْ لِرِبَّهَا وَحْقَتْ ﴿٥﴾

emirundi esatu ne بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ku ntandikwa ya buli mulundi (Salat-Alan-Nabi emirundi esatu), fuuwa ku mazzi era oganywe. Genda mu maaso n'okusoma ayaa

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu

zino buli kadde. Mwannyina omusiraamu bwaba nga tasobola kugisoma, omuntu omulala asobola okugisoma, nafuuwa mu mazzi era nagawa mwannyina naganywa. Obulumi bwa leeba bujjakuwewera, **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ** Newankubadde omwaana yekiisemu bubi mu lubuto, ajjakutereezebwa. Allah **عَزَّ وَجَلَّ** bwaba ayagala, emikisa gy'okumusala [i.e. operation/cesarean section] gjija kuvaawo. (Ebbanga ly'obujjanjabi: oktuusa ekirubirirwa bwekituukibwako.)

18. Omukazi ow'olubuto bwasoma Surah Maryam buli lunaku, ajjakulaba emikisa gyayo yekennyini. Ajjakubeera n'oluzaala olwaangu n'obulumi bwa leeba bujja kuba nga buweweetu ku lw'okusaasira kwa Allah **عَزَّ وَجَلَّ**.
19. [Luno na luli] Omukazi alina olubuto bwasoma **يَا قَوْمِيْ** emirundi 100 n'afuuwa ku lubuto lwe, omwaana ajjakwekiika mu butereevu era okulongosebwa tekujjakuddamu kwetagisibwa, **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ**.

Obujjanjabi obw'awaka olw'oluzaala olwaangu

Mu ntandikwa y'omweezi gwa 9, omukazi ow'olubuto alina okunywa amata g'ente amerere mu bungi–nga gakamiddwa nga alaba, wabula so ssi kugulibwa kuva mu katale–gattamu emizabbibu ettaano (nga temuli nsigo) n'amatoondo kkumi ag'obutto bwa 'almond'. Aganywe buli lwaggulo. Obutto bwa 'almond' bwebuba nga tebuliwo, olwo teeka omuzigo gw'ente mu mata g'ente agabuguma era omuwe anywe buli lunaku

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu olweggulo. Amata g'ente bwegaba nga tegaliwi, olwo amata amerere ag'embogo oba embuzi gasobola okukozesewa. ان شاء الله عزوجل kijjakumutangira obutafuna lubuto kwesiba, okutya okungi, okwagala okusesema, obukoowo n'obulumi mu magulu. ان شاء الله عزوجل omwaana ajjakuzaalibwa nga tewali kulongoosa (kusala). Obujjanjabi buno tebuleetera muntu puleesa. Wabula, bujjakugasa omukazi ow'olubuto newankubadde ngalina puleesa, ان شاء الله عزوجل.

Four spiritual cures for miscarriage

20. Omukazi bwamala okufuna olubuto, asome يَا حَفْظُ يَا مُصَوِّرٌ emirundi 1100 buli lunaku okumala ennaku 40. Ekisingako obulungi kwekugisoma buli lunaku mu kiseera kyekimu era mu kifo kyekimu. Olubuto lujjakukuumibwa ku Iw'okusaasira kwa Allah عَزَّوجَلَ.
21. Wandiika لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ ku lupapula emirundi 55. Kola Ta'wiz yayo era ojiwe omukazi agyambale. Ku Iw'okusaasira kwa Allah عَزَّوجَلَ, olubuto telujjakukoma ku kukuumibwa kwokka wabula omwaana oyo owa Madani (abeere muleenzi oba muwala) aija kukuumibwa obutafuna bizibu n'emitaawaana.
22. Wandiika يَا أَللَّهُ emirundi 1001 ku lupapula okole Ta'wiz yayo. Gisibe ku mukyaala ow'olubuto mu ntandikwa y'olubuto lwe era esigaleko okumala ennaku 40. Oluvannyuma gisumulule ate, mu mweezi ogwa 9, ddamu ogisibe. Ku Iw'okusaasira kwa Allah عَزَّوجَلَ, olubuto

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu

lujjakukuumibwa era omwaana omulamu obulungi (omuleenzi oba omuwala) ajjakuzaalibwa. Kati siba Ta'wīz eyo ogyambaze omwaana (omuleenzi oba omuwala).

23. Omukyaala bwamala okufuna olubuto, awandiike **يَا أَكُفَّارَ قَبْرِهِمْ** emirundi 111 ku lupapula ng'akozesa ekkalaamu eya bbayiro era alusibe ku lubuto lwe. Asigale ng'agyambadde okutuusa omwaana bwazaalibwa. **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ**, omwaana omulamu obulungi owa Madani ajjakuzaalibwa. (Omukazi ow'olubuto bwaba nga tasobola ku giwandiika, olwo omuntu yenna asobola okugimuwandikira).

Envummula bbiri ez'omwooyo ez'okujjanjaba okuziimba kw'amabeere

24. Soma Surah Al-Ikhlas, Surah Al-Falaq ne Surah An-Nas emirundi kkumi buli emu, fuuwa mu mmazi era ogawe omukazi alumizibwa amabeere agazimbye. Aganywe. Okuziimba kujja kutowolokoka, **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ**.
25. Bwekiba nga ekitundu omufulumira amata kizimbye, omukazi asome ayaa zino

﴿ وَإِذَا مَرِضْتُ فَهُوَ يَشْفِيْنِ ﴾¹

﴿ قُلْ هُوَ لِلَّذِينَ أَمْنُوا هُدًى وَّشِفَاءٌ ﴾

¹ Ekitundu 19, Surah Ash-Shu'ara, ayaa 80

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu
Afuuwe mu ngaloze amale aziyise mu kitundu ekyo
ekiziimbye.

Envummula nnya ez'omwooyo ezikwaata ku nsoonga z'abakyaala (ez'okukoona akagere)

26. Omukazi bwaba nga ayisa omusaayi mungi nno, ayaa eno ewandikibwa era esibibwe ku lubuto lwe:



27. Bwaba ng'alwadde obulwadde obw'obutagenda mu nsoonga, soma aya eyo waggulu emirundi 341 buli kanaku, fuuwa mu mazzi ga Zam Zam era ogawe omulwadde oyo aganywe. Kola ekikolwa kino okumala ennaku 11.
28. Bwaba ng'ayisa omusaayi mungi nnyo mu nsongza ze, soma Surah Ad-Dahr omulundi gumu buli kanaku, fuuwa mu mazzi era omuwe aganywe. Kino kikole okumala ennaku musaanvu. إِنَّهُ كَلِمَاتُ اللَّهِ عَزَّوَجَلَّ, omusaayi gujjakulekerawo okujja.
29. Omukazi bwaba ng'alina obulwadde obw'okuyisa omusaayi omungi mu nsongza z'abakyaala, asome Surah Al-Kawsar emirundi 313 buli kanaku, fuuwa mu mazzi g'enkuba era oganywe. Buno obujjanjabi bujjakuyamba nnyo.

¹ Ekitundu 24, Surah Ha-Mim As-Sajdah, ayaa 44

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu

Envummula mukaaga ez'omwooyo ez'okuwonya obutono bw'amata ga mmaama

30. Omukazi bwaba ng'afuna obuzibu oba nga tasobola kuyoonsa mwaana we olw'amata amatono mu mabeere oba agataliimu, wandiika ﷺ emirundi 11 ku lupapula oba ku ssowaani, oluvannyuma teeka olupapula olwo mu mazzi oba yiwa amazzi mu ssowaani eyo era oowe omukazi oyo aganywe. ﷺ obungi bw'amata bujjakweyongera. Omukazi ow'olubuto bwanywa amazzi gano, olubuto lwe luja kukuumibwa olw'okusaasira kwa Allah ﷺ.
31. يَا مَتِينُ (Owang Ow'amaanyi) Omukazi bwaba nga takola mata gamala, wandiika erinnya lino eritukuvu erye'mikisa ku lupapula, luteeke mu mazzi era omuwe amazzi ago aganywe. ﷺ, obungi bw'amata bujja kweyongera. Omwaan bwaba ng'avudde ku mabeere, naye asobola okuweebwa amazzi gano okuganywa. ﷺ, gajja kubaweeza.
32. Mmaama w'omwaana bwaba nga tasaobola kukola mata gamala, soma هُوَ الْحَقُّ الْقَيُّوبُ emirundi 300 omufuuweko. Kino kikakafu okubeera eky'omugaso ennyo.
33. Omukazi bwaba nga takola mata, soma ayaa zino ez'mikisa emirundi 10, fuuwa mu mazzi g'enkuba era omuwe aganywe. Ng'akikoze yekennyini omukazi, ayinza okuganywa. Ajjakukola amata nga maangi nnyo, ﷺ.

وَهِيَ تَحْرِيٰ بِهِمْ فِي مَوْجٍ كَالْجَبَالِ² ﴿٢﴾

وَأُوحِيَنَا إِلَىٰ أُمِّ مُوسَىٰ أَنَّ أَرْضَعِيهِ فَإِذَا خِفْتَ عَلَيْهِ فَالْقِيَمَهُ³ ﴿٣﴾

فِي الْيَمِّ وَلَا تَخَافِي وَلَا تَحْزِنِي إِنَّا رَأَيْدُوهُ إِلَيْنَا وَجَاعَلْنُاهُ مِنَ النَّرِ⁴ ﴿٤﴾

سَلِينَ ﴿٥﴾ **فَبِأَيِّ الَّاءِ رَبِّكُنَا تُكَذِّبِنِ⁵ ﴿٦﴾**

34. Bwaba nga takola mata gamala, asome ayaa zino ez'mikisa oba afune omuntu omulala okuzimusomera emirundi 21 oluvannyuma afuuwe mu mazzi era aganywe okumala ennaku 21. Aziwandiike oba afune omuntu azimuwandiike ku lupapula, alusibe ku mabeere ge.

وَإِذَا مَرِضْتُ فَهُوَ يَشْفِيْنِ⁶ ﴿٧﴾

قُلْ هُوَ لِلَّذِينَ أَمْنَوْا هُدًى وَّشَفَاءٌ⁷ ﴿٨﴾

35. Bwaaba nga takola mata gamala, awandiike oba afune omuntu amuwandiikira ayaa eno ey'emikisa ku mugaati agulye. Kino akikole okumala ennaku 7.

¹ Part 12, Surah Hud, verse 42

² Part 27, Surah Ar-Rahman, verse 50

³ Part 20, Surah Al-Qasas, verse 7

⁴ Part 27, Surah Ar-Rahman, verse 13

⁵ Part 19, Surah Ash-Shu'arā, verse 80

⁶ Part 24, Surah Ha-Mim As-Sajdah, verse 44

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu

Omwaan ajja kutandika okuyoonka

36. Omwaana bwaba nga tayonka, wandiika emirundi kikumi ku lupaula, luteeke mu mazzi agajiddwa okuva mu mugga era omale oganywese omwaana. ان شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ ajja kutandika okuyoonka awatali kugaan.

♦♦♦

Okujja omwaana ku mabeere

37. Wandiika لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ emirundi 18 ku lupapula, gifuule mu Ta'wiz era ogyambaze omwaana wa Madani (omuleenzi oba omuwala) ku bulago bwe. ان شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ bajja kulekerawo okuyoonka.

Okulamula okw'omugaso ennyo okukwaata ku kuyonsa

Mu kalenda ya Hijri, mmaama (oba omukyaala yenna) asobola okuyoonsa omwaana okumala emyaaka ebiri. Mmaama oba omukazi omulala okuyoonsa omwaana okusukka emyaaka ebiri kibeera kibi era kikolwa kya Haram ekitwaala omuntu mu muliro. Naye, omwaana bwayoonka amata g'omukazi yenna mu bbanga ery'emyaaka gy'obukulu 2 n'ekitundu, olwo oluganda olukwaata ku kuyoona kubeera kutereddawo.

Envummula ey'omwooyo eri omwaana atawuliriza

38. يَا شَهِيدُ (Owange ggwe amanyi eby'omunda n'ewabweeru)
Ng'otadde omukono ku kyeenyi ky'omwaana omuleenzi

Omwaana omuwala eyasuulibwa mu luzzi nga mulamu
oba omuwala atawuliriza ng'otunula mu ggulu, kisome
emirundi 21 kumakya (ng'enjuba tennaba kuvaayo),
إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ omwaana oyo omuleenzi oba omuwala ajja
kufuuka mulongoofu. (Ebbanga: Okutuusa bwotuuka ku
kirubirirwa kya Du'a eno.)

Envummula eyomwooyo eri oyo atagoberera Sharī'ah

39. Bwaba ng'omuntu oyo atagoberera Shari'ah yebasse, ow'oluganda omusiraamu yenna oba mwannyina asaala Salah asome Surah Al-Ikhlas omulundi gumi ng'eddoboozi lisituse katono, sigala ng'oli kubuwanvu bwa bigere bisatu okuva ku muntu oyo (wakiri mmita emu) nga wegendereza obutamuzuukusa. Omuntu oyo ajja kufuuka omusiraamu ow'ebikolwa, **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ**. Ekikolwa kyekimu kiyinza okukolebwa eri oyo omukazi atakolera ku Shar'iah.

Bba ajja kufuuka mulongoofu

40. Bba w'omukazi omu bwaba ng'alina empisa embi era ng'asiiba ayomba n'abenganda, omukazi asome Surah Al-Fatihah emirundi lukumi mu kikumi mu kkumi na gumi (1111) ne **بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ** ku ntandikwa era afuuwe mu mazzi. Oluvannyuma, amazzi gano agawe bba aganywe. **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ**, bba ajja kufuuka mulongoofu era nga musaaze wa Salah. (Kino kikole mu ngeri nti bba etc. tajja kukimanya. Bwekitaba ekyo enyoombo ziyinga okutandika olw'obutakkaanya. Asobola okufuuwa ku mazzi aganyogoga era buli omu ne bba bayinza okuganywa.)

Okufuuka omulongoofu era omusiraamu asaala e Salah

Mala ekiro kiramba mu Ijtimah eyagaza Sunnah ey'abuli wiiki eya Dawateislami etegekeebwa buli Lwakuna oluvanyuma lwa Salat-ul-Maghrib mu kibuga kyo, okufuna okusiimbwa kwa Allah (عَزَّوَجَلَّ) n'ekigendererwa ekirungi. Okuyiga e Sunnah, kifuule kyabuli gyo okutaambula ne **Madani Qafilah** z'ennaku 3 buli mweezi n'abagaazi ba Rasul, okujuzaamu akatabo ka **Madani In'amaat** buli lunaku ng'okola **Fikr-e-Madinah** era okawe oyo ow'oluganda abuvunanyizibwakwo mu kifo kyo ku lunaku olusooka mu buli mweezi ogwa Madani.

Ekirubirirwa kyange ekya Madani: “Nnina okulafuubana okwelongoosa nze sekinnoomu n'abantu b'ensi yonna، ان شاء الله عزوجل .” Okuloongoosa emyooyo gyafe, tuyina okukolera ku **Madani In'amaat** ate okuloongoosa abantu b'ensi yonna، tuyina okutaambula ne **Madani Qafilah** ان شاء الله عزوجل .



MC 1286

Aalmi Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagaran
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan.

UAN: +92 21 111 25 26 92 | Ext: 7213

Web: www.dawateislami.net | E-mail: translation@dawateislami.net